# Bakubiddwa amasasi lwa kubba ddagala lya gavumenti lya bukadde 100

Bya GODFREY SSEMPIJJA

POLIISI y'e Ntebe ng'eri n'amagye ga SFC bataayizza abasajja babiri abagambibwa okusangibwa nga babba eddagala ne babakuba amasasi.

Abakubiddwa amasasi kuliko; Bam Muwereza ne Ronald Garula, ate omulala eyategeerekeseeko erya Sharik n'akwatibwa kyokka abalala basatu ne badduka.



Abamu ku bagambibwa abazigu nga batiiriika omusaayi oluvannyuma lw'okukubwa amasasi okubatangira okubba eddagala ku sitoowa za NMS e Ntebe.

Bino byabaddewo mu kiro ekyakeesezza olwa Ssande, abasajja bano bwe baagezezzaako okubba eddagala okuva ku tterekero ly'eddagala erya National Medical Stores e Ntebe.

Abakuumi b'ekitongole kya Askar Security abakuuma ekifo be baatemezza ku poliisi eyeegasse n'amagye ga SFC ne bataayiza ababbi ne bakubako babiri amasasi, abalala abasatu ne badduka.

Kigambibwa nti, ababbi baabadde n'emmotoka ekika kya kamunye nga bataddeko ennamba enjingirire ng'emabega kuliko UBD 677U ate mu maaso nga eri UBB677Q, ssaako bodaboda nnamba UFY 086A mu langi emmyuufu.



Sheilah Nduhukire owa NMS.

Akulira akakiiko k'amaka g'obwapulezidenti, akalondoola ebyobulamu, Dr. Warren Naamara yakakasizza nti, ababbi bano baabakubye amasasi agaakwasizzaako ababiri era nga bali mu ddwaaliro, ate omulala ataalumiziddwa ali ku poliisi, abalala abasatu badduse nga bakyabanoonya.

Yagambye nti, baasangiddwa ne ggaasi akozesebwa mu kwokya ebyuma ssaako ebyuma ebimenya enzigi.

Omwogezi w'ekitongole kya National Medical Stores, Sheilah Nduhukire akakasizza nti, waliwo eddagala eryabadde ligenda naye ababbi ne bakwatibwa. Baabakutte ne bookisi 78 ezirimu enkampa (gloves) ezikozesebwa mu ddwaaliro, Oxygen Regulators 19 n'ebintu ebirala nga bibalirirwamu obukadde 100.

## *Abantu kye bagamba*



**Betty Nanyombi : Kyetaaga okunoonyereza kutandikire munda kuba tewali ayinza kwetantala kubba ddagala nga takolaganye na ba munda.**



**Susan Nazinda, mutuuze: Twawulidde amasasi naye nga tetumanyi we gava, bwagenze okukya nga waliwo abaababadde babba eddagala.**



**Tonny Kaggwa Biriga: Poliisi yeebale okukwata abanyaguluzi bano naye bongere okunoonyereza kuba omulimu guyinza okuba gwa munda nnyo.**